# OKUSINDANA

Enkola Ze teziyinza kutegeerekeka, si bwe kiri? Mukama ow'ekitalo! Nga kirungi nnyo okumwesiga. Nkakasa mubadde n'ekiseera ekirungi ddala akawungeezi ka leero. Mbadde nzigulawo oluggi wali eddakiika ntono eziyise ne mpulira Mwannyinaffe Gertie nga ayimba oluyimba olwo olw'edda olugamba nti, *Lemerako, Wabulayo Essaawa Endala Emu*, ne lunzijukiza ekkanisa yange entono, nga bwe yali bwe nnali ssinasimbula kugenda mu kubuulira njiri ku mulundi guli. Ndaba ekifaananyi ekyaliko ebigambo "Sooka Onoonye Katonda" ekyali mu maaso wano waggulu, nzijukira Sammy Davidson ye yali yabiwandiikawo emyaka nga amakumi abiri mu etaano egiyise, ate ku ludda luli olulala, ndowooza kwaliko nti "Olibeera Wa Mu Biseera Eby'Obutaggwaawo? Kirowoozeeko!" Ate *wano* eno waaliwo nti—nti "Omukazi Eyali Ku Luzzi," ne, "Danyeri Mu Bunnya Bw'Empologoma." Ha, bannange! Ebintu bingi nnyo ebibaddewo okuva mu kiseera ekyo.

2 Akawungeezi ka leero ku ssaawa nga kkumi n'emu nnafunye essimu ey'amangu eyavudde mu mmayiro nga amakumi asatu, oba ana emmanga eyo munda, nga waliwo omukazi eyabadde obubi ennyo nga anaatera okufa, ate nga maama wa mukwano gwange omwagalwa, Georgie Carter. Era nnabadde nkimanyi nti wano waabaddewo abaweereza bangi abaababadde basobola okugenda mu maaso okutuusa nga nkomyewo. Ne Edith, abadde bubi nnyo. Era bwe twabaddeeyo, Mukama Katonda yatambudde n'akola, era kati maama wa Mwannyinaffe Carter si wa kufa. Kale, tuli basanyufu olwekyo.

3 Kati obudde bw'ekitundu ky'olukuŋŋaana eky'okulya okussa ekimu bunaatera okutuuka, ndowooza kwa ssaawa nga mukaaga ogw'ekiro. Mutegese kubeera nakwo ku ssaawa mmeka? [Ow'oluganda Neville agamba nti, "Essaawa yonna, okuva kati okutuusa awo nga ku ssaawa ttaano n'ekitundu."—Omuk.] Essaawa yonna tu. . .Bameka abagenda okulya okussa ekimu akawungeezi kano, leka tulabe emikono gyammwe. Ekyo, ha, ekyo kirungi nnyo. Kale, njagala njogereyo ekigambo nga kimu kyokka oba bibiri. Essaawa yange ndowooza ŋŋenda kugiwummuza erudda wano nsobole okumaliriza mu ddakiika nga kkumi, oba kkumi na ttaano, tutandike okulya okussa ekimu. Kati, mumwagala? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Amiina. Era mmanyi mubadde n'ekiseera ekirungi ddala, si bwe kiri?

4 Kati, ndaba ku ki Ow'oluganda Thomas Kidd ne Mwannyinaffe Kidd, okuviira ddala mu Ohio. Ka nsuubire batulamusizzaako. O, ekyo kirungi nnyo, ka nsuubire okulamusa

kwabwe kukwatiddwa ku lutambi era nja kukufuna. Omanyi, tebawanika. Mu nnaku ntono ddala bajja kuba baweza emyaka kikumi, naye—naye ekyo ky'ekiŋŋumya ne nziramu amaanyi, bwe ndaba abantu nga abo. Bwe nkirowoozaako, ne ndaba nti nzuuno nkaddiye, ate nga baali babuulira Enjiri nga ssinnazaalibwa. Naye kati nzuuno nkuze nkaddiye, naye era ba, bwe balemererwa okugenda okubaako ne kye boogera, waakiri bakwata akuuma akakwata entambi ne batambula nga bava ddwaliro ku ddwaliro, nnyumba ku nnyumba, nga bwe babuulira Enjiri. Ekyo kirungi nnyo ddala. Amiina. Mazima ddala ndi musanyufu ku lwabwe ne ku lw'abo bonna abasuubira okubaako ne kye bafuna mu nkuŋŋaana zino.

5 Kati, mujjukire nti, tujja kukiranga, Mukama nga ayagadde, amangu ddala nga ekkanisa ewedde, kati bagamba nti eyinza okuggwa awo nga mu Febwali nga kkumi, kubanga, twagala, Mukama bw'aliba ayagadde, twagala tubeere n'ennaku nga munaana oba kkumi, oba kale nga wiiki bbiri, ku *Bubonero* obwo *Omusanvu* obuli mu Kubikkulirwa. Era tujja kuweereza kaadi eri abantu baffe abatukyalira okuva mu bitundu ebiriraanye wano wonna, okuva ewaka wano, tubategeeze nga wakyabulayo obudde obuwerera ddala kibeere nti bwe banaasalawo okujja, kale, tunaaba basanyufu okubeera nammwe wano. Era ob'olyawo Mukama anaatuwa okulabisibwa kw'Okubeerawo Kwe omulundi omulala nga bwe Yakola ku mulundi ogwayita bwe twali tumaliriza *Emirembe Omusanvu egy'Ekkanisa*.

6 Bw'obangako omuntu yenna gw'olowoozaako okusabira, bambi, onzijukiranga buli kiseera, kubanga nze nsinga okwetaaga okusabirwa. Kati, mpulira nga nswadde nze kennyini, okutwala eddakiika zino kkumi nnambirira, oba ekkumi n'ettaano wano, okubaako ne kye njogera nga tetunnatandika, naye leka tukoteke emitwe gyaffe okumala akaseera.

7 Ayi Mukama Yesu, o, lumu olutalo lujja kuggwa, era tewalibaawo balwadde ba kusabira, wadde okubaawo aboonoonyi ab'okwenenya. Naye, Kitaffe, nga olunaku luno lukyali nga bwe luli, leka tukole nga tukyalina ekitangaala mwe tusobola okukolera, kubanga ekiseera kijja omuntu yenna mw'atasobolera kukola. Kaakano, okumala eddakiika entonotono, ayi Mukama, mba nja kuwulira bubi singa, nkomekkereza omwaka guno nga sirinaayo bigambo birala bye njogedde. Nkusaba, onnyambe, ayi Kitaffe, nsobole okubaako ne kye njogera ekinaasimba obuvumu mu mitima gy'abantu Bo, tusobole okuva wano ekiro kya leero oluvannyuma lw'okulya okussa ekimu, kubanga tukimanyi nti mu kulya okussa ekimu mulimu amaanyi. Isiraeri be baasooka okulya okussa ekimu bwe baali e Misiri, ne batambula okumala emyaka amakumi ana nga engatto zaabwe tezikaddiye wadde engoye zaabwe

okukunjubuka. Era, okuva mu bantu obukadde bubiri, tewali n'omu ku bo yali munafu, we baaviira mu ddungu. Ayi Mukama, ekyo leka tukijjukire ekiro kino nga bwe tusemberera akaseera kano akakulu. Tusabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

8 Singa mba wa kubuulira ku mutwe gwe nnawandiise gwe nnabadde ŋŋenda okutandikako olw'eggulo lwa leero, tuba tujja kubeera wano okutuusa ku ssaawa kkumi n'emu ez'oku makya. [Waliwo agamba nti, "Ekyo tekirina buzibu."—Omuk.] Naye njagala mbeeko Ekigambo kye nsoma okuva mu... ["Ekyo tekirina buzibu."] Webale. Okuva mu Abaefeeso, essuula ey'o 6, olunyiriri olw'e 12, okumala akaseera katono ddala, okwezzaamu amaanyi.

> *Kubanga tetumeggana na mubiri na musaayi, wabula n'abaamasaza, n'ab'obuyinza, ne...abafuga...ensi ab'omu kizikiza kino, n'emyoyo egy'obubi mu bifo ebya waggulu.*

9 "Emyoyo egy'obubi mu bifo ebya waggulu." Era okuva mu ekyo njagala nzigyemu eky'okwogerako kya ddakiika nga kkumi oba kkumi na ttaano, manya, omutwe gw'eky'okuyigako, njagala nguyite: *Okusindana*. Okusindana kubeera kugezesa maanyi. Era tubeera, we tubeerera ne...n'okugezesa amaanyi. Twabeeranga ne...Abayindi bannansangwa baakumanga omuliro, ne bateeka abasajja abawerako ku ludda *luno* olw'omuguwa, n'abasajja abalala abawerako ku ludda *luno* olulala, ne—ne basika omuguwa ogwo, mu kusindana okulaba ludda ki olusinza amaanyi, era baasikanga olwo ab'oludda luli olwabanga luwanguddwa ne basuulibwa mu muliro. Era kati tukimanyi nti waliwo ebintu bingi nnyo, bye tusobola okwesigamyako ensonga eno okumala eddakiika entonotono, eya—ey'okusindana, naye mu ddakiika zino njagala njogere ku kusindana okukyasinzeeyo okuba okw'amaanyi mu bwangu ddala, nga okwo, kwe kusindana wakati w'Ekkanisa ne Ssetaani. Amaanyi ga Ssetaani ago ag'ekitalo. Era twagala twogere ne ku maanyi ga Katonda ag'ekitalo mu Kkanisa Ye.

10 Kati, okusindana kuno okw'amaanyi kubadde kugenda mu maaso okumala emyaka mingi ddala. Kwatandikira mu Ggulu, era Ssetaani n'agobebwaayo n'akka ku nsi, era okuva olwo n'afuuka omulabe w'abantu ba Katonda. Era, okuva mu kiseera ekyo, abadde akozesa amaanyi ge gonna n'obukodyo bwe okugezaako okusika abantu ba Katonda abasuule mu muliro, manya, mu muliro gwe.

11 Naye Asinza amaanyi tumumanyi, Katonda y'asinza amaanyi. Era Katonda, bwe Yawa abantu Be Ekintu ekisingirayo ddala kye Yali asobola okubawa okukozesa okweŋŋanga Ssetaani, kyali Kigambo Kye. Kati, nga bwe kiri nti Ekigambo ye Katonda, olwo ate ani asinga Katonda amaanyi? N'olwekyo, Ekigambo ye Katonda, era Ekigambo kifuuka amaanyi gaffe.

Katonda mu Kkanisa, afuuka Amaanyi gaayo okusika Ssetaani okumusuula mu muliro gwe gwennyini gw'aba yeekoledde. Olwo ne waba ensiitaano. Kati, Yesu yagamba, mu Makko 16 nti, "Mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu."

12 Kati, nkimanyi nti eyo njogera y'abantu ey'edda, manya, waliwo enjogera ey'edda egamba nti. . .naye ate, ssi ya dda nnyo. Abantu ennaku zino tebakkiriza nti emizimu gyegiri. Naye eky'okukola, nze nga bwe ndaba, kwe kumanya omulabe wo. Era—era otegeere omulabe wo, era weetendekere okusindana kw'ogenda okubeeramu naye bw'onoomusisinkana, kubanga kwo okumusisinkana ojja kumusisinkana. Era omutegeere, otegeere bw'a. . .manya otegeere amaanyi ge bwe gali, era weetendekere okusindana kuno kw'onaabeera nakwo bw'onoomusisinkana. Kubanga eky'amazima kiri nti, ogenda kumusisinkana, n'olwekyo weetendekere okusindana.

13 Kati, okwetendekera okusindana ky'ekimu n'omukubi w'ebikonde ky'akola. Omulabe we—we gw'abeera agenda okusisinkana okusindana naye, okulwana naye, omulwanyi omulungi ddala bulijjo ategeera era n'abaako ne bye yekkaanya ku oyo gw'anaalwana naye. Yekkaanya engeri gy'akasukamu eŋŋuumi ze, n'amanya ludda ki kw'asinziira, oba alwana akutama mu maaso, oba nga adda mabega, oba alwanyisa mukono gwa ddyo oba gwa kkono. Ebyo byonna abyekkaanya n'abiyiga. Era okuva awo bw'abeera mulwanyi omulungi, era omugezi, afunayo omulwanyi gwe yeegezaamu naye asobola okulwanira ddala nga oli gw'agenda okulwanagana naye bw'alwana, kubanga awo abeera ajja kuba amanyi engeri gy'akasukamu eŋŋuumi ze zonna w'anaamusisinkanira.

14 Era ndowooza nti ekyo kirungi nnyo Abakristaayo okukola. Bwe kiri. Era kati bw'oba oyagala kutandika kwetendeka, tandika ne Yokaana 3:16, Etteeka Ekkulu. Tandikira ku eryo, era eryo lijja kukuwa omusingi. Okuva awo ogende mu maaso n'okwetendekera o—okukuba eŋŋuumi ziri tonziriranga, kubanga ojja kwetaaga okuzikozesa. Ekyo buli muntu akimanyi. Olina okutendekebwa okusobola okukuba omulabe wo. Era lubeerera, Katonda akozesa Kigambo Kye. Tuteekwa okukijjukira nti Katonda akozesa Kigambo Kye okuwangula omulabe We. Katonda singa yali asobola okulowooza manya okubaako ekintu ekisingawo ky'awa abantu Be kye baba bakozesa okuwangula omulabe, Yandikikoze. N'olwekyo nga bwe ntera okugamba bulijjo nti, "Katonda bw'abaako okusalawo kw'akola, okwo kwe kuba kusingirayo ddala. Teyetaaga kukyusa mu kusalawo Kwe n'akamu." N'olwekyo okusalawo okwasookera ddala Katonda kwe yawa abantu Be mu lusuku Adeni, okulumba omulabe, kyali Kigambo Kye. Beebulunguluzibwa bbugwe w'Ekigambo Kye.

15 Era kati omulabe agenda kuyiga e. . .obukodyo bwaffe nga akozesa Kigambo. Era, kati, obukodyo obwo bwonna

Ssetaani yabuyiga n'abukugukamu okutuusa nti bwe yajja eri Kaawa, yalina a—akakodyo akaali kasingayo ke yasobola okumukozesaako, era akakodyo ako kwali kukubaganya birowoozo ku Kigambo. Kati, Ekigambo kya Katonda tolina kukikubaganyaako birowoozo. Olina kukikkiriza bukkiriza. Togezaako kukinnyonnyola. Togezaako kukitegeera. Kati, Katonda tosobola kumutegeera, n'olwekyo Katonda ye Kigambo, era Kiriwo kukkirizibwa bukkirizibwa. Era ago ge Maanyi gaffe, kukkiriza bukkiriza Kigambo. Era buli muntu yenna akimanyi bulungi nti ensigo bw'ebeera mu ttaka ettuufu ejja kwezaala. Bwe tutyo naffe tutwala butwazi Kigambo.

16 Naye, kati, Kaawa yayimirira n'atandika okukubaganya ebirowoozo, ssetaani bwe ya . . . yanokolera ssetaani Ekigambo, n'amugamba nti, "Katonda yagamba nti, 'Temugulyangako, kubanga olunaku lwe muligulyako' lwe mulifa."

17 Era Ssetaani teyamuwakanya n'akatono. Yamugamba kimu nti, "Mazima ddala, ekyo bwe kiri." Naye n'amugamba nti, "Naye olaba, mwetaagayo ku Musana omupya." Ekintu ekyali kyawukana n'ekyo Katonda kye yayogera. "Era ekyo bwe munaakikola, mujja kufuuka bagezi okusinga bwe mubadde. Amaaso gammwe gajja kuzibuka."

Naye omukazi n'amugamba nti, "Naye, Katonda yagamba nti tujja kufa."

18 Ssetaani n'amugamba nti, "O, mazima ddala . . . " Mukiraba, kiikyo, ekyo kyokka nti, "Mazima ddala temulifa." Naye Katonda yagamba nti mujja kufa, era ekyo kimala! Era ekyo—ekyo kyasalawo eggoye mu kusindana okw'amaanyi okwaliwo mu kiseera ekyo, ne kiwalula oluse lw'abantu lwonna ne kirutwala mu kufa, kubanga Kaawa yawuliriza okukubaganya ebirowoozo mu kifo ky'okuwuliriza Ekigambo kya Katonda. Kati, kya nsonyi okuba nti yakikola, naye ekyo kyayita. Naye kati tukyaliko bbuggwe, era nga olutindo olwo lwatuteerwawo okuyita mu Kristo Yesu. Ekyo tukimanyi. Katonda yatuwa obukuumi bwaffe obusingayo okuba obunywevu, nga kwesiga bwesizi Kigambo Kye.

19 Omanyi, olwa leero abantu bangi bagamba mbu ssetaani taliiyo. Bakkiriza mbu ekyo kirowoozo bulowoozo. Ekyo kye bakkiriza. Era waliwo abantu abakkiriza mbu—mbu—mbu Omwoyo Omutukuvu kirowoozo ekirungi, ate ssetaani kirowoozo ekibi. Naye bwe weetegereza obulungi, Bayibuli bw'eyogera ku Mwoyo Omutukuvu, Yagamba nti, "Ye Omwoyo Omutukuvu bw'alijja." Ate "Ye" ebeera nnakasigirwa ey'omuntu. Mukiraba? N'olwekyo, oyo ayogerwako nga Ye, Muntu. Ne ssetaani muntu. N'emizimu bantu. Weewaawo, mizimu, era gi—gijja mu ngeri za njawulo. Naye bo balowooza mbu ndowooza eyali ey'edda.

20 Waliwo omusajja eyali ampakanya wano wiiki ntono eziyise. Yaŋŋamba mbu, "Omanyi ky'okola? Okyusa bukyusa ndowooza z'abantu abo n'obaleetera okubaako ekintu ekirala kye balowooza bw'okibagamba. Kubeera kukyusa bukyusa ndowooza."

21 Ekintu kye kimu ekyo lumu nnakisisinkana mu Buyindi, abasajja abo abatukuvu abaali eyo gye twalina, nzikiriza ekibiina ky'abantu ekisingayo okuba ekinene kye nnali mbuulidde, mu lukuŋŋaana lumu, abaali bawera nga kitundu ky'akakadde, ne nkikwata mu Mwoyo mu kutegeera ebyo ebikisiddwa. Era baalabanga Omwoyo Omutukuvu nga ayitayo abantu, n'abayita, okuva mu kibiina, n'abaako ebintu eby'enjawulo by'ababuulira n'okutegeera bye balowooza. Naye ba Raja n'abasajja abatukuvu, ne bagamba mbu, "Asoma ndowooza zaabwe."

22 Kati waayitawo akaseera katono, waali waakayitawo abantu nga bataano oba mukaaga mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa, ne wajja omusajja omuzibe w'amaaso. Era yali muzibe ddala, nga amaaso ge meeru nga essaati yange. Kye nnava ŋŋamba nti, "Kati wano waliwo omusajja omuzibe w'amaaso, era buli omu asobola okukiraba nti muzibe." Ne ŋŋamba nti, "Ssinga mbadde nsobola okumuyamba nnandikikoze, naye engeri yokka gye nsobola okukikolamu kwe kukozesa ekirabo, ob'olyawo ne mbaako ekintu kye yakola kye mmugamba; ne kimuleetera okukirowoozaako nti Katonda bw'aba asobola okumanya kye yakola, mazima ddala Asobola n'okumanya ky'agenda okukola." Ne ŋŋamba nti, "Kati, bwe mmutunuulira," ne ŋŋamba nti, "kati, musinza wa njuba. Abadde muzibe w'amaaso okumala emyaka amakumi abiri." Era, omuvvuunuzi bwe yakimuvvuunulira, n'agamba nti kituufu. Ne ŋŋamba nti, "Musajja mufumbo. Ya . . . mukyala we mukazi mutonotono, era alina abaana babiri ab'obulenzi, omu wa myaka musanvu, ate omulala wa mwenda." Ekyo ddala bwe kyali. Ne mbamenya amannya gaabwe, ne ngoogera.

23 Kati okuva erudda eri mu kibiina, ku ludda abantu gye baali, ne wajja ejjengo ly'eddoboozi eryo nga ligamba nti, "Ekyo akozesa bwongo, ekyo kiringa ku—kusoma birowoozo byabwe."

24 Mu nze kye nnava ŋŋamba, nti, "Ayi Mukama, nkusaba Onnyambe. Ne—nneetaaga obuyambi Bwo, ayi Mukama. Abantu bano kino bagezaako okukiteeka mu ttuluba ly'okusoma ebirowoozo. Ate nga si kye kiri, era naawe Okimanyi, ayi Mukama." Ate nga, nnali mbawadde Ekyawandiikibwa nga Yesu agamba nti talina kintu kyonna kye Yakola okutuusa nga Kitaawe akimulaze. Naye, bwe nnakyuka okuddamu okutunuulira omusajja, ne mmulaba mu kwolesebwa waggulu awo, nga alina amaaso amalungi nga ge nnina. Muli ne ŋŋamba nti, "Kati kano ke kaseera."

25 Ne ŋŋamba nti, "Omusajja ono asinza njuba, naye kati, wuuno yaziba amaaso." Ne ŋŋamba nti, "Kati, e. . . Waaliwo bakabona b'enzikiriza ya Muhammadi, ne wabaawo ba—bakabona b'enzikiriza y'Abasiiki, ey'Abajayini, n'amadiini amalala ag'enjawulo, ey'abagoberezi ba Buddha. Kati omusajja ono ayagala kulaba. Kati, oyinza okugamba nti ya—yasinzanga kitonde mu kifo ky'okusinza Omutonzi. Ekyo nange nkikkiriza. Naye tuutuno tutudde wano leero." Ne ŋŋamba nti, "Naye tubadde. . . olwa leero nnayaniriziddwa mu yeekaalu y'enzikiriza y'Abajayini era waabaddeyo amadiini kkumi na musanvu ag'enjawulo abantu abaabadde bazze okumbuuza ebibuuzo, naye nga buli emu ku zo ewakanya Kristo, buli emu!" Ne ŋŋamba nti, "Kaakati, era bangi ku mmwe bassebo mwabaddeyo. Kati, Kristo bw'aba nga ddala mukyamu ekyenkanidde awo, kati omusajja ono wuuno ayagala kuwona, era eky'amazima Katonda Eyatonda ensi Ye yekka Asobola okumuwa amaaso ge n'addamu n'alaba. Ekyo kyeraga kyokka." Ne ŋŋamba nti, "Kati, bwe wabaawo omuntu yenna ku mmwe, eddiini ya Muhammadi wano y'ekwata ekifo ekisooka, singa kabona w'enzikiriza ya Muhammadi anajja wano n'amuzibula amaaso nja kugoberera Muhammadi, oba singa kabona w'enzikiriza ya Buddha anajja n'amuzibula amaaso. Naye leka Katonda Eyamukola, Katonda, oyo Katonda w'omuntu omu awantu awamu, kubanga ateekwa okuba nga gy'ali, tetusobola kubeera na kitonde awatali Mutonzi. Era kijja kwetaagisa Mutonzi okuzibula amaaso gano gasobole okulaba. Amaze emyaka amakumi abiri nga muzibe olw'okutunuulira enjuba, nga alowooza nti bw'anaakikola ajja kugenda mu Ggulu. Ekyo musajja wattu yakikolanga mu butamanya." Kye nnava mbuuza nti, "Mmwe bakabona b'enzikiriza ya Buddha mwandikoze ki? Mwandikyusizza bukyusa ndowooza ye. Mwandimugambye mbu mukyamu." Basinza bajjajjaabwe abaafa. Ne ŋŋamba nti, "Kati, mwandirowoozezza nti ya, mwandimugambye mbu mukyamu, naye mwandikoze ki? Mwandikyusizza ngeri gy'alowoozaamu." Ne mbuuza nti, "Ate omugoberezi wa Muhammadi yandikoze ki? Yandikyusizza ngeri gy'alowoozaamu. Ab'enzikiriza y'Abasiiki, ey'Abajayini, n'endala, bonna bandikyusizza ndowooza zaabwe."

26 Ne ŋŋamba nti, "Naffe tulina ekintu kye kimu mu Amerika. Abamesodisiti bonna baagala bakyuse Ababaputisiti bonna babafuule Bamesodisiti, n'Abapentekoote baagala bakyuse Abamesodisiti bonna babafuule Bapentekoote. Kukyusa bukyusa mu ndowooza. Naye ekyo si kye twogerako. Twogera ku Katonda, Omutonzi." Ne ŋŋamba nti, "Mazima ddala Omutonzi aba asobola okwogera." Naye, kati, ekyo tewali ngeri yonna gye nnadikyogedde, singa nnali sifunye kwolesebwa okwo. Kati awo ne ŋŋamba nti, "Kati, Oyo bw'aba nga ye yamutonda, leka y'Aba aba Katonda, singa anajja n'amuwa amaaso ge." Ne ŋŋamba nti, "Kati nsomooza buli kabona yenna oba Raja, oba

omusajja omutukuvu yenna oba omulala yenna k'abeere ani, ajje amuzibule amaaso, nange nnaagoberera enjigiriza yammwe, munaaba mufunye omugoberezi omulala gwe mukyusizza." Era ekyo ky'ekibinja ky'abantu abakyasinzeeyo okubeera abasirifu be nnali mpulidde. Mukiraba? Tewali n'omu yakikola.

27 Kye nnava mbabuuza nti, "Kiki ekibasirisizza ennyo bwe mutyo?" Ne mbagamba nti, "Ensonga lwaki musirise, eri lwakuba temusobola kukikola, nange ssisobola. Naye Katonda w'Eggulu Oyo eyazuukiza Omwana We Yesu Kristo, nga ffe baweereza Be, yaakamala okundaga okwolesebwa nti omusajja agenda kuddamu alabe." Mukiraba? Ne mbagamba nti, "Kati, ekyo bwe kitabaawo, muli ba ddembe okunfulumya Buyindi. Naye bwe kibaawo, buli omu ku mmwe alina okuwaayo obulamu bwe eri Yesu Kristo. Njagala mbabuuze, bameka abali wano nga onaawaayo obulamu bwo eri Kristo singa amaaso g'omusajja ono ganaazibuka? Bakabona bammwe mubalabye, tewali n'omu yeesowoddeyo kujja mu maaso wano. Lwaki tebajja, nga ate babagambyenga mbu eddiini yaabwe nnene nnyo era ya maanyi nnyo? Lwaki tewavaayo muntu ne yeesowolayo n'ajja wano abeeko ky'ayogera?" Tewali yajja. Ne ŋŋamba nti, "Kaakati bantu mmwe abali eyo, bwe mulaba omusajja ono omuzibe w'amaaso ayimiridde wano . . . "

28 Ne wavaayo omusawo n'ajja n'akebera amaaso ge. N'anyeenya omutwe gwe, n'agamba nti, "Muzibe."

29 Ne ŋŋamba nti, "Weewaawo, muzibe." Naye ne ŋŋamba nti, "Singa . . . Naye singa Katonda azibula amaaso ge, bameka ku mmwe abanaaweereza Yesu Kristo?" Ne nnengera buli wamu wonna, emikono emiyitirivu egy'ensusu enzirugavu nga giyimusibwa. Ne nkyuka eri omusajja, ne ŋŋamba nti, "Ayi Mukama waffe Yesu, leka kimanyibwe nti Ggwe Katonda." Omusajja n'anvumbagira mu bulago, ne mmeeya w'ekibuga Bombay yali atudde awo, n'amuvumbagira mu bulago, nga alaba bulungi nga omuntu omulala yenna.

30 Kiki? Ma—maanyi gennyini aga ddala! Katonda ye Katonda, ne Ssetaani ye Ssetaani! Bw'oba tokkiriza nti ssetaani gy'ali . . . Bwe nnali nnaakatandika, na—nnatomereganaŋŋa naye buli lunaku. Togeza okuŋŋamba mbu ssetaani taliiyo, kubanga ekyo nkitegeera bulungi okukusinga. Nnwanagana naye buli lunaku. N'olwekyo nkimanyi nti—nti ssetaani gy'ali. Era oteekwa okutendekebwa bw'onomweŋŋanga bw'onomusisinkana. Si kutendekebwa mu magezi ga ntegeera ya bwongo, si kutendekebwa mu buyivu; wabula okutendekebwa Omwoyo Omutukuvu; Amaanyi ga Katonda mu Kigambo Kye okukireetera okulabisibwa. Manya omulabe wo. O, nga wattima nnyo!

31 Kati ekyo nga nnandyagadde okusooka nnyimiriremukko nkirambulule, nzireyo okuyita mu Bayibuli mbeeko abasajja

be mbalaga abaaliwo abaamusisinkana maaso ku maaso. Engeri gye beenyweza n'Ekigambo kya Katonda, bwe baali mu kusindana n'omulabe. Nuuwa yaliko mu kusindana okwo, era yali akimanyi nti Katonda yali yamugamba nti enkuba yali egenda kutonnya. Era okusindana kwali wakati wa ssaayansi n'Ekigambo kya Katonda: Nga ssayaansi agamba nti, "Tekisoboka kubaawo." Nga Katonda agamba nti, "Kijja kubaawo." Amiina.

32 Ekintu kye kimu ekyo weekiri n'olwa leero. Kijja kubaawo! Era ne kibaawo! Emizimu weegiri! Naye Yesu Yagigoba, era n'Awa n'Ekkanisa Ye obuyinza okugigoba bwe yagamba nti, "Banaagobanga emizimu mu Linnya Lyange!" Lumu yagoba emizimu musanvu okuva mu mukazi eyali alabika obulungi ennyo. Era Yagamba nti, "Dayimooni omubi bw'ava mu muntu, atambulatambula mu nsenyi enkalu, oluvannyuma n'akomawo, n'adda n'emizimu emirala musanvu." Kati, ekyo kiraga nti omuntu bw'aba yalongoosebwa n'agobebwamu emizimu, waliwo ekyamulimu ekyamufulumamu. Dayimooni yali yafuluma! Kati, dayimooni bwe yafuluma, ekyo Katonda . . . kiwa Katonda omwagaanya okuyingira. N'olwekyo, dayimooni bw'afuluma, leka Omwoyo Omutukuvu ayingire. Tomala kagireka kusigala kyangaala. Bwe weenenya obwenenya ebibi byo kyokka n'ogenda mu maaso, ojja kubeera bubi nnyo n'okusinga bwe wali obadde. Naye leka ekifo ekyo Ssetaani mw'abadde era mwe yali yasenga, kijjuze n'Omwoyo Omutukuvu wa Katonda, awo ojja kubeera n'amaanyi g'Ekigambo kya Katonda mu ggwe, nga galabisibwa, era ogobe emizimu. Okusindana kugenda mu maaso. Omusana ogw'akawungeezi gwaka. Omwoyo Omutukuvu wa Katonda waali.

33 Era kati wabulayo eddakiika nga—nga ssatu zokka okutuuka mu kaseera ako ffirimbi mwe zinaafuuyibwa, nga ziweze essaawa omukaaga ez'omu ttumbi. Naye kati bwe tunaaba tufuluma okuva mu kizimbe kino, okugenda mu bifo byaffe eby'enjawulo ne mu maka gaffe, n'okweŋŋanga ebiri ebweru eyo, n'okweŋŋanga ensi, leka tuleme kugenda nga bwe tubaddenga tukola mu biseera ebiyise. Leka tugende mu maanyi ag'okuzuukira Kwe. Leka tugende mu Linnya lya Yesu Kristo, ne bendera nga tugiwanise waggulu, wamu n'okukkiriza mu Kigambo Kye, okukwata ekitala eky'obwogi obubiri, nga tukutte engabo era nga twambadde eby'okulwanyisa bya Katonda byonna, okusobola okweŋŋanga omulabe, kubanga yeeyongera amaanyi n'okuba ow'amaanyi buli lunaku. Omulabe nga—nga bw'ajja nga amataba, Omwoyo wa Katonda ayimusa eddaala okumweŋŋanga. Bwe tuba tutuuse ku nkomerero y'ebintu bino bye tu . . . nga n'ebyama bya Katonda bituukiriziddwa gye tuli, kati tunoonya amaanyi amalala, amaanyi ag'okukwakkulibwa, okweŋŋanga amaanyi agasingayo obubi, aganaakwakkula

Ekkanisa gagitwale mu Kitiibwa. Tuteekwa okugafuna. Leka tuyingire ’63 n’okusoomooza, nga, abaweereza ba Katonda omulamu! Era nga Saddulaaki, Mesaki ne Abeduneego ab’edda, tetujja kuvunnamira mizimu gya nsi eno kuwanika ku kintu kino kye twogeddengako, naye leka tugende mu maaso n’okulwana.

34 Ekiro kino mpulira muli, nga bwe tuwuliriza ffirimbi ezo nga zifuuyibwa, mpulira ekintu nga Dawudi kye yawulira lumu mu kiro kiri ekyali kijjudde ebbugumu okukamala bwe yagalamira wansi w’emitugunda egyo, nga omulabe ayanjadde buli wamu wonna. Nga kateekwa okuba nga kaali kaseera kazibu eri Dawudi! Nga kaali kaseera kazibu bwe yali awo nga agalamidde! Yali tamanyi ngeri ya kutambulamu, yali tamanyi bw’anaagenda, kubanga yali amanyi nti bamusinga obungi. Naye, amangu ddala, n’awulira eddoboozi ly’Empewo nga liyita mu busanso bw’emiti. N’akimanya nti Katonda yali amukulembeddemu, bw’atyo n’ayolekera olutalo. Mpulira ekintu bwe kityo ekiro kya leero, oluvannyuma lw’Obubaka obwabuuliddwa ekiro kya jjo, ndi mu kaseera akasingayo okuba aka kazigizigi ke nnali nsisinkanye mu bulamu bwange. Mpulira nga Isaaya bwe yawulira mu yeekaalu oluvannyuma lw’okulaba bamalayika abo, ndi muntu ow’emimwa egitali mirongoofu, era mbeera mu bantu ab’emimwa egitali mirongoofu. Naye muwulirize, ndi—ndi. . .mu ngeri emu oba endala nnina okukyeŋŋanga, era, ekintu kyokka, nnindiridde kuwulira kuwuuma kwa ddoboozi eryo mu kisaka ky’emitugunda, okugenda okweŋŋanga omulabe yonna gy’ali. Katonda atuyambe okukikola.

35 Era kati ndowooza wabulayo eddakiika emu yokka essaawa omukaaga zikoone. Era ’62 n’ebigubaddemu byonna, leka tubireke bibeere ebyayita.

36 Kati leka tuyimirire ku bigere byaffe, buli omu ku ffe. Okusindana kugenda mu maaso. Buli omu ku mmwe. . . Pawulo yagamba nti, “Nga nneerabira ebyo ebiri ennyuma,” ensobi zaffe zonna ez’omwaka oguyise, “nduubirira okutuuka awawakanirwa.” Ensobi zange zonna ze nkoze mu myaka gino gyonna, muzinsonyiwe. Ayi Katonda, nsonyiwa. Ekkanisa, munsonyiwe. N’obuweereza bwe—bwe mpulira muli, nti nnemeddwa okubutuukiriza; ayi Katonda, nkusaba onsonyiwe ku lwabwo. Ekkanisa, munsonyiwe olw’ensobi zange. Era nja kulwana okutuuka awawakanirwa mu Kristo Yesu. Byonna ebiri mu lw’enkya, sibimanyi, naye mmanyi Oyo Awaniridde omwaka gwa 1963.

37 Kati leka tuyimuse emikono gyaffe eri Katonda tusabe buli omu mu ngeri ye, nga bwe twenenya ebibi byaffe, era nga bwe tusaba Katonda okutuyamba okuyita mu mwaka guno ogujja.

38 Ayi Kitaffe ow’omu Ggulu, nga bwe tuyimiridde wano, nga ebirowoozo bingi bifa mu mitima gyaffe, wamu n’ensobi

z'omwaka oguweddeko, era nga bwe tusemberera okufa kwa '62 n'okuzaalibwa kwa '63, Ai Katonda, leka tusitule ekigere ekirala kimu okulinnya waggulu ku ddaala, okutuusa lwe tunaasobola okulaba Yesu n'enteekateeka Ye. Leka buli omu yenna wano, ayi Mukama, ali mu kusaba, nga omwaka omukadde bwe gufa, nga omwaka omuggya guzaalibwa, leka ebibi by'omuntu ow'edda n'obutakkiriza bife mu mitima gyaffe, muyingiremu okuzaalibwa Obuggya kujje n'omwaka 1963, nga okuwuuma, okw'Empewo ey'amaanyi kutujjuze era kutufuule ebitonde ebiggya mu Kristo.

39 Tufuule abaweereza abasaanidde. Tusonyiwe ebyayita byaffe. Wa omukisa ebiseera byaffe eby'omu maaso. Tuluŋŋamye, Ai Mukama Katonda, n'omukono Gwo ogw'amaanyi, Yakuwa. Wa omukisa abaweereza bano abali wano. Wa omukisa ekibiina kyonna, abagenyi bonna. Beera naffe, ayi Mukama. Tuli baweereza Bo era tweweerayo ddala gy'Oli ku lw'omwaka 1963, amaanyi g'Omwoyo Wo gasobole okweyongera okubeera n'enkizo mu bulamu bwaffe n'okubeerawo kwaffe. Tuyambe, ayi Katonda. Tusaba, otusonyiwe era otuyambe. Yimusa abasajja ab'amaanyi! Yimusa abalwanyi ab'amaanyi ab'Okukkiriza! Ggulawo omwaka guno, ayi Mukama, Emmaanu eyo eyakwekebwa, Olwazi olwo wansi w'olwazi, tusobole okulaba enteekateeka ya Katonda. Tikkira piramiidi z'obulamu bwaffe, ayi Mukama; teeka Ejjinja ery'oku ntikko, Kristo Yesu, ku buli omu ku ffe. Leka emikisa Gye egy'amaanyi egy'ekitalo, emitukuvu gibeere ku ffe fenna. Leka omuliro gw'Omwoyo Omutukuvu gutukkeko. Leka amaanyi ag'okuzuukira galabisibwe. Ayi Katonda, nga tukwebaza, ekiro kya leero. Tuli Babo. Twewaayo gy'Oli mu bujjuvu, ayi Mukama.

40 Nga bwe ŋŋenda eyo gye ŋŋenda, nga simanyi na wa gye ŋŋenda oba bwe nnaagenda, oba kye nnaakola, nneesiga Ggwe, ayi Katonda Omuyinza w'ebintu byonna, Onnuŋŋamye, nze omuweereza Wo atalina bw'ali, nsobole okukozesebwa olw'ekitiibwa n'ettendo eri oyo Omuyinza w'ebintu byonna. Kikkirize, ayi Kitaffe.

41 Kkiriza essaala zaffe. Wa omukisa okufuba kwaffe. Wonya abalwadde n'abanyigirizibwa, mu mwoyo ne mu mubiri. Era otufuule abaweereza Bo. Ffe tuli bbumba, Ggwe Mubumbi. Tubumbe, buli omu, mu ngeri Yo, tusobole okutuukana ne Kristo Yesu, nga ekitundu ku Mubiri Gwe. Kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu, era ku Lulwe ne ku lw'Enjiri. Amiina era amiina.

[Waliwo ow'oluganda ayogera mu lulimi olulala. Ow'oluganda omulala awa okuvvuunula—Omuk.]

42 Weebale, ayi Kitaffe Katonda. Tukwebaza olw'obubaka bw'Omwaka guno Omuggya obutuzzaamu amaanyi era obutusindika okugenda n'essuubi n'obukakafu

obw'okukimanya nti okuyita mu bigambo ebyogeddwa abasajja bano ababadde batamanyi bye boogera, nti mazima Obubaka butuufu, era Otusaba tubunywerereko. Tujja kukola ebyo byonna bye tumanyi, ayi Mukama, okuyimirira naawe wamu n'Ekigambo Kyo.

43 Tukkirize mu Linnya ly'Oyo eyatuyigiriza fenna n'atugamba nti tusabenga bwe tuti nti, [Ow'oluganda Branham wamu n'ekibiina basabira wamu—Omuk.]: "Kitaffe Ali mu Ggulu, Erinnya Lyo litukuzibwe. Obwakabaka Bwo bujje. By'Oyagala bikolebwe mu nsi, nga bwe bikolebwa mu Ggulu. Otuwe leero emmere yaffe eya buli lunaku. Era otusonyiwe okwonoona kwaffe, nga naffe bwe tusonyiwa abo abatukola obubi. Era totutwala mu kukemebwa, naye otulokole eri obubi. kubanga Obwakabaka, n'obuyinza, n'ekitiibwa Bibyo, emirembe n'emirembe. Amiina."

44 Mukama abawe omukisa era abakuume. Naye abo abateekwa okugenda mu maka gaabwe. . . Kati, ziri eddakiika ttaano ezaakayita, ziri eddakiika ttaano z'ezaakakongoka ku mwaka '63. Kakaati Katonda abawe omukisa. Kati—kati eri mmwe abaagala okusigalawo okulya okussa ekimu, mwanirizibwa okusigala, tunaasanyuka okubeera nammwe. Si kulya kussa kimu kwa balondemu, wabula kwa buli mukkiriza yenna ali mu kussa ekimu ne Kristo. Oyanirizibwa okusigala okulya naffe okussa ekimu. Era ensonga lwaki kino tukikola, eri nti kino ky'ekintu ekisooka, tutandika olugendo. Era Isiraeri, bwe baali tebannatandika lugendo lwabwe, batta omwana gw'endiga ne baguliirako enva ezikaawa, ne balyoka batandika olugendo lwabwe. Era mbadde nneewuunya muli nti, "Kino nga kifaananidde ddala bulungi ne kiri!" Omwana gw'endiga guttiddwa, Gutegekeddwa, embaga, era tuli mu ttumbi. Mukimanyi, nga nabo ky'ekiseera we baaguliira, mu ttumbi. Kale leka, mmwe abaagala okusigala okutwegattako mwetegekere olugendo lwe tugendako, olutuli mu maaso, tunaasanyuka okubeera nammwe. Katonda abawe omukisa.

45 Era kaakano eri mmwe abalina okugenda, musobola okuddayo mu maka gammwe, era Katonda abeere nammwe okutuusa lwe ndiddamu nate okubasisinkana. Amiina. Mmwe abasigadde musobola okutuula era tugenda kutandika okulya okussa ekimu. Mwannyinaffe agenda ku. . . Kale, ssebo.

> Okutuusa lwe tulisisinkana! okutuusa lwe tulisisinkana!
> Okutuusa lwe tulisisinkanira ku bigere bya Yesu; (Okutuusa lwe tulisisinkana!)
> Okutuusa lwe tulisisinkana! okutuusa lwe tulisisinkana!
> Katonda abeerenga naawe okutuusa lwe tuliddamu okusisinkana!

46 Leka tuddemu tuluyimbe nga bwe tulindako, abo abafuluma, nga bwe mumanyi. Musobola okusirika, n'ekirala kino kintu ekitukuvu. Ŋŋenda kubaako wano kye nsoma okuva mu Byawandiikibwa mu kaseera katono ekirungi ennyo, ennyo, ennyo ddala. Kale kati leka tuddemu tuluyimbe.

Okutuusa lwe tulisisinkana! Okutuusa . . .

Leka tubeeko gwe tukwataganako naye mu ngalo. Mu bulamu bwo bwe mubaamu ekintu kyonna ekikyamu, nga n'omuntu oyo gwe wasobya waali wano, genda gy'ali mu kaseera kano okitereeze.

Okutuusa lwe tulisisinkana! okutuusa lwe tulisisinkana!
Katonda . . .

Omukubi w'ennanga osobola okujja ku nnanga, bambi?

. . . naawe okutuusa lwe tuliddamu nate okusisinkana!

Okutuusa lwe . . .

47 [Ow'oluganda Neville agamba nti, "Katonda akuwe omukisa, Ow'oluganda Branham."—Omuk.] Bino byonna mbiwaayo mu mikono gyo, Ow'oluganda Neville. ["Mukama akuwe omukisa. Nzikiriza . . .? . . . "] . . .? . . .

Okutuusa lwe tulisisinkana!
Katonda abeerenga naawe okutuusa lwe tuliddamu okusisinkana!

Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda.

Afaayo gy'oli,
Afaayo gy'oli;
Nga oyita mu kasana oba nga oli mu kisiikirize,
Afaayo gy'oli.

Leka tuddemu tukiyimbe.

Afaayo gy'oli,
Afaayo gy'oli;
Nga oyita mu kasana oba nga oli mu kisiikirize,
Afaayo gy'oli.

48 Ekyo si kirungi nnyo? Leka tuddemu tukiyimbe nga bwe bakkalira.

A . . .

Zibiriza amaaso go.

. . . gy'oli,
Afaayo gy'oli;
Nga oyita mu kasana oba nga oli mu kisiikirize,
Afaayo gy'oli.

49 Ayi Kitaffe ow'omu Ggulu, tuli basanyufu okuba nti ekyo tukizudde nti ddala bwe kiri, mu kaseera kaffe akasingayo

okuba aka kazigizigi oba nga tuyita mu kasana, Tatuleka era tatwabulira. Tuli basanyufu nnyo olw'ekyo okuba nti, obwesige bwaffe tebuzimbiddwa ku kintu kirala kyonna wabula ku Musaayi gwa Yesu awamu n'obutuukirivu. Twesiga, ayi Mukama, si mu ttutumu lya nsi eno. Twesiga, tetuyinza kugezaako kwesiga kulimbibwa ebisikiriza, wabula bulambalamba twesigama ku Linnya lya Yesu. Nga tukwebaza, ayi Kitaffe.

50 Kaakano tunaatera okwenyigira mu gumu ku—gumu ku mikolo emitono ddala gye Watulekera. Ogumu ku gyo kwali kubatiza, omulala kulya kussa kimu, n'omulala kunaazagana bigere. Ayi Katonda, tuyingira okugwenyigiramu mu bwetoowaze, nga tumanyi nti Omwana gw'endiga guno gwe Mwana gw'endiga ogw'okuyitako. Abaana baalina o—olugendo olunene olw'okuyita mu ddungu. Omusaayi gulina okusooka ne gusiigibwa ku mifuubeeto gy'oluggi, nga omwana gw'endiga ogw'okuyitako tegunnaliibwa.

51 Ayi Katonda, kaakano kebera emitima gyaffe. Mukama, Omusaayi kweguli? Bwe guba teguliiko, tukusaba o—Oguteekeko mu kaseera kano kennyini, nga oggyawo ebibi byaffe era nga obibikkako, era tunaayawukanyizibwa nabyo, ayi Mukama, ebibi by'ensi eno, tusobole okubeera abatukuvu era abakkirizibwa eri Kitaffe mu kaseera kano nga bwe tujja okulya o—omubiri n'Omusaayi ogwayiika ogw'Omwana gw'endiga gwaffe, Omwana wa Katonda, Omulokozi waffe. Kebera emitima gyaffe nga bwe tusoma, ayi Kitaffe, era otufuule Babo. Kubanga tukisabye mu Linnya ly'Omwana gw'endiga, Yesu Kristo. Amiina.

52 Mu Kitabo kya—ky'Abakkolinso, essuula ey'e 11, njagala mbeeko ennyiriri entonotono ze nsoma, okutandikira ku lunyiriri olwa 23 bino bye nsomawo. Ono Pawulo y'ayogera eri ekkanisa y'e Kkolinso.

> *Kubanga nze nnaweebwa eri Mukama waffe era ekyo kye nnabawa mmwe, Nga Mukama waffe Yesu mu kiro kiri . . . kye yaliirwamu olukwe yatoola omugaati:*
>
> *Ne yeebaza, n'agumenyamu, n'ayogera nti, Mutoole, mulye: guno gwe mubiri gwange oguli ku lwammwe: mukolenga bwe mutyo olw'okunjijukiranga nze.*
>
> *Era n'ekikompe bw'atyo, bwe baamala okulya,* n'akwata ekikompe, naye bwe yamala okulya . . .

Munsonyiwemu. Leka nziremu ndusome.

> *Era n'ekikompe bw'atyo, bwe baamala okulya, ng'ayogera nti, Ekikompe kino y'endagaano empya mu musaayi gwange: mukolenga bwe mutyo* okujjukiranga, *buli lwe munaakinywangako* kino, *olw'okunjijukiranga nze.*

> *Kubanga buli lwe munaalyanga ku mugaati guno, ne lwe munaanywanga ku kikompe kino, munaayolesanga okufa kwa Mukama waffe okutuusa lw'alijja.*
>
> *Ky'anaavanga azza omusango ogw'omubiri n'omusaayi gwa Mukama waffe, buli anaalyanga ku mugaati* n'*anaanywanga ku kikompe kya Mukama waffe nga tasaanidde.*
>
> Kale *omuntu yeekeberenga yekka, alyoke alye ku mugaati bw'atyo, era anywenga ne ku kikompe.*
>
> *Kubanga alya era anywa, nga tasaanidde, alya era anywa musango gwe ye, bw'atayawula mubiri gwa Mukama waffe.*
>
> *Mu mmwe kye muvudde mubeeramu abangi* abalwadde *n'*abayongobevu*, era bangi . . . abeebaka.*
>
> *Naye ssinga twesalira omusango fekka, tetwandisaliddwa musango.*
>
> *Naye bwe tusalirwa omusango, tubuuliririrwa Mukama waffe, tuleme okusingibwa omusango awamu n'ensi.*
>
> *Kale, baganda bange, bwe mukuŋŋaananga okulya, mulindaganenga.*
>
> *Era omuntu bw'alumwanga enjala, alyenga eka; okukuŋŋaana kwammwe kulemenga okuba okw'ensobi. N'ebirala ndibirongoosa we ndijjira wonna.*

53 Kino bwe nkirowoozaako, ky'ekiseera ekisingayo okuba eky'ekitiibwa! Era kyawandiikibwa nti omulundi ogwasooka okulya okussa ekimu kuno bwe kwaweebwa, n'okunaazagana ebigere . . . kwe tutagenda kubeera nakwo ekiro kya leero, kubanga tetulina mazzi. Amazzi gonna baagasazeeko, era nga tetubadde na bikozesebwa mu bifo ebikyamirwamu ekiro kino, kubanga baabadde balina kumala gabiyunga mu ngeri ya kutetenkanya nga bwe basobola, tusobole okubeera n'olukuŋŋaana luno ekiro kino. Naye tujja kukola nga bwe baakola, awagamba nti, nzikiriza Lukka ye yakiwandiika, nti, "Ne bayimba oluyimba ne bafuluma." Naye kino mumanyi kye kikiikirira? Mukimanyi nti, ku ntandikwa, omulundi ogwasookera ddala ekiragiro kino we kyateekebwa mu nkola mu Isiraeri, emmanga mu Misiri, baali mu lugendo nga bagenda mu nsi ensuubize. Era ekyo kye tuwulira ekiro kino, nti tuli mu lugendo tugenda mu Nsi Ensuubize. Era tulina olugendo mu maaso gaffe.

54 Era baalina akabonero, nti malayika ow'okufa bwe yali ayita, ku luggi kwalina okubeerako omusaayi, ekitali ekyo, omulenzi omukulu manya omwana omubereberye yalina okufa mu maka ago. Ekirowoozo kyali nti, era amakulu gennyini gaali nti, baalina okusooka ne bateekako omusaayi. Mwetegerezza engeri Pawulo gy'akirambiseemu wano? "Omuntu yenna

bw'alya nga tasaanidde, alya era anywa musango gwe ye, bw'atayawula mubiri gwa Mukama waffe," ekitegeeza ekintu kye kimu, nti okufa, okufa okw'omwoyo, kubeera ku muntu oyo alya ku ky'eggulo kya Mukama waffe nga tasaanidde. Nga ekyo, kwe kugenda n'onywa omwenge, ne weejeeguula, ne weeyisa nga ensi, ate n'ojja ku mmeeza ya Mukama waffe. Ekyo tetulina kukikola. Kati leka tulongoose emitima gyaffe tulongoose n'emikono gyaffe okuva mu...n'endowooza zaffe okuva mu ndowooza enkyamu, tusobole okujja ku mmeeza ya Mukama waffe, n'okussaamu ekitiibwa era nga tuli batukuvu, nga bwe tukimanyi nti tukwataganyizibwa wamu ne Ssaddaaka yaffe, Kristo Yesu, Oyo nga ye bulokozi bwaffe bwokka.

55 Era kati, ekiro kino, engeri kino gye tugenda okukikolamu, tugenda kufunayo omu ku bakadde ayimirire wano, Ow'oluganda Zabel. Era ndowooza nti, Ow'oluganda Zabel, ekiro kino, kijja kuba kirungi singa otandikira ku abo abali ku kituuti b'obeera oyita okusooka, abantu bano basobole okuva ku kituuti bakole wano eno olunyiriri lwo olusooka, bw'oba osobola okukikola bw'otyo. Kati, Ow'oluganda Zabel agenda kubalagirira, mu ddakiika ntono, amangu ddala nga tumaze okusabira omukisa bye tugenda okukozesa.

56 Omugaati guno ogutazimbulukusiddwa gwakoleddwa Bakristaayo. Mugaati ogutaliimu kizimbulukusa. Era bwe wekkaanya obulungi, bw'oguteeka mu kamwa ko, tegulina mpooma eri awo, gulinga ogukaawa. Gwefunyizzafunyizza era gumenyeddwamenyeddwa, gugoyeddwa, ekitegeeza omubiri gwa Mukama waffe Yesu, ogwabetentebwa. O, ne bwe nkirowoozaako obulowooza, omutima gwange guntyemuka! Bwe ndowooza ku kuba nti Yabetentebwa n'akubibwa n'afumitibwa, Omwana wa Katonda ataalina musango! Ekyo mumanyi lwaki Yakikola? Kubanga omusango gwali gunsinga. Naye Yafuuka nze, omwonoonyi, nze olwa Ssaddaaka Ye nsobole okufaananyizibwa nga Ye, omwana wa Katonda. Nga yali Ssaddaaka!

Leka tukoteke emitwe gyaffe.

57 Ayi Katonda Omutukuvu ennyo, nga nsitudde olusaniya luno olutono olw'ekyuma ekiro kino, omugaati guno ogukiikirira omubiri gwa Mukama waffe ogwamenyebwa, ogwagoyebwa, ogwakubibwa, era ogwafumitibwa, nnabbi oli gwe yayogerako n'eddoboozi ery'omwanguka nti, "Yafumitibwa olw'okusobya kwaffe, n'abetentebwa olw'obujeemu bwaffe, ekibonerezo ky'emirembe gyaffe kyali ku Ye, era olw'emiggo Gye twawonyezebwa." O, ekyo nga tukijjukira, ayi Mukama! Nga bwe nneesiba ku Ssaddaaka eyo ekiro kino, wamu n'ekibiina kino, ayi Mukama, nga nakyo bwe kyesiba ku Ssaddaaka eyo, leka tujjukire Mukama waffe, okufa Kwe n'okukubibwa Kwe, n'ebyo byonna bye Yayitamu ku lwaffe, nga bwe tuteeka omugaati guno mu kamwa kaffe. Ayi Katonda, tuli bantu

abatasaanidde, tetusaanidde na kintu kitukuvu bwe kiti, na bwe kityo leka obutukuvu Bwo, ayi Mukama, Okubeerawo Kwo n'Omusaayi Gwo, birongoose emitima gyaffe. Era nga bwe tugulya, leka tumalirire mu mitima gyaffe okumuweerezanga emisana n'ekiro, ennaku zonna ez'obulamu bwaffe. Kaakano tukuza omugaati guno olw'ekyo kye gugenda okukozesebwa. Tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

58 Era nsitula kino mu ngalo zange, nga asatu-. . .okumala emyaka nga amakumi asatu mu esatu gye mmaze nga mpeereza Mukama wange, naye mpulira nga nswala. Naye muli nneebuuza nti, nnandikoze ki singa mbadde n'amatondo abiri ag'Omusaayi Gwe gwennyini mu ngalo zange ekiro kino? Nnandigakozesezza ki? Naye, mumanyi, mu ngalo zange ekiro kino, mu maaso Ge, mbadde n'ekigusinga omuwendo, beebo abaagulibwa n'Omusaayi Gwe, Ekkanisa Ye. N'olwekyo bwe nsitula kino, omubisi ogw'emizabbibu gino, ekyo kye ndowoozaako. Yagamba nti, "Sirinywa nate ku kibala kya muzabbibu okutuusa lwe ndikinywa obuggya wamu nammwe mu Bwakabaka bwa Kitange." Kaakati mwetegereze nti olutalo lw'okulwana n'ekibi bwe luliba luwedde, ekintu kye tulisookerako okukola bwe tuligoba ku ludda luli kuliba kulya kussa kimu, Eky'eggulo kya Mukama waffe.

59 Kaakano leka tukoteke emitwe gyaffe nga bwe tusabira enviinyo eno. Kitaffe ow'omu Ggulu, bwe ndowooza, nga nsitudde enviinyo eno wano ekiikirira Omusaayi gwa Yesu, engeri ebibi byange gye byavaawo okuyita mu Musaayi ogukulukuta. Byateekebwa mu Nnyanja ey'Okwerabira, obutaddamu kujjukirwa nate. Era n'Omusaayi guno, lumu nnali mu ddwaliro nga nfa, bwe nnali nkyali kalenzi kato, n'Ondokola. Ai Katonda, nga nkwebaza nnyo, Mukama. Era n'ova awo n'ompa obuvunaanyizibwa, ku bw'Omwoyo Omutukuvu, okukulembera abantu mbatwale e Kalivaaliyo mbalage ekkubo eridda Eka. Weebale, Kitaffe. Era kaakano tukuza enviinyo eno olw'ekyo ky'egenda okukozesebwa. Era leka buli aneetaba ku mukolo guno, ekiro kino, afune amaanyi ag'omwoyo n'ag'omubiri okutambula olugendo oluli mu maaso. Kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

[Ekibiina kigabulwa okussa ekimu. Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

60 Okuyimirira wano ne ndaba famire ez'enjawulo nga zijja, era bwe kityo bwe kiriba olumu ku nnaku zino, famire ku famire, kibinja ku kibinja, kibiina ku kibiina, omu ku omu. Bwe tulimusisinkana, nga kaliba kaseera akakulu, obulamu bw'abantu bonna abaali babadde ku nsi, abaamukkiririzaamu era abaamwesiga, fenna tulisisinkanayo ku Lunaku olwo. Tekiriba kiyitirivu? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.]

61 Ekiro kya leero tetugenda kunaazagana bigere olw'amazzi.

Mu kaseera kano tetulina bikozesebwa bimala, naye tukkiriza, nti bigenda kukolebwako amangu ddala. Batambudde bulungi, era bakoze obwangu okumaliriza ekkuŋŋaaniro eppya. Muli mpulira nga kino ddala ky'ekisaanye okukolebwa okubeera n'okulya okussa ekimu ku lusooka omwaka bwe tuti, mu ssaawa nga zino ez'olunaku.

62 Kati, eri mmwe abava wabweru w'ekibuga, muvuge n'obwegendereza ddala enkya nga mugenda eka. Katonda abeere nammwe. Nammwe aba wano awaka, ab'okumpi, Katonda abeere nammwe era abayambe. Era kati, Mukama bw'anaaba ayagadde, ne mba nga nnina okugenda mu lukuŋŋaana oluddako engulu eri mu Arizona, era okuva eyo Katonda bw'aliba ayagadde, nja kukomawo mbeere nammwe okuyiga ku *Bubonero Omusanvu,* nga bwe mbadde nsuubizanga. Mazima ddala nneetaaga essaala zammwe. Mbeetaaga nnyo, n'olwekyo temwerabira okunsabira. Era nsaba buli kimu kibatambulire bulungi. Era mbasiimira ddala olw'okujja n'engeri gye muwulirizzaamu bye mbadde mbuulira mu Njiri. Nzikiriza kati tukola enkyukakyuka. Nange nzikola, mbeebaza n'olw'ekisa kyammwe.

63 Era bangi ku mmwe muvuga mayiro ne mayiro okujja wano okuwuliriza omuntu nga nze atalina ky'ali nga ngezaako okubuulira Ekigambo kya Katonda. Nkakasa waliwo ekisinga ku nze kye mujja okuwulira, kubanga nze sirina kye nnyinza kuleeta gye muli. Sirina buyigirize, sirina kye ndi, yadde n'akatono. Naye bwe ndaba abantu nga bavuga ebikumi n'ebikumi bya mayiro, ne bayimirira wano ne balinda, okutuusa ku ssaawa munaana ez'ekiro, tekiri lwakuba nnina kye nnina. Wabula Kristo. Ndi musanyufu nnyo okuba nti mumwagala. Nange, mmwagala. Era fenna wamu tumwagala. Era kubanga tumwagala, tetulyawukana. Tusobola okwawukana okumala akaseera akatono wano, nga ebiseera bwe biyitawo, naye tuliddamu ne tuba wamu. Kye kibaddenga ekigendererwa kyange okugezaako okukulembera abantu okubatwala mu kifo ekyo.

64 Era kati nga tutandika omwaka omupya, njagala okubagamba, si nti mbaagaliza "Omwaka Omuggya Ogw'essanyu", wabula njagala kubagamba kino nti "Katonda abawe omukisa." Era ekyo bw'Anaakikola, kye kyokka kye mwetaaga ku lw'omwaka ogujja. Era nneesize nti Ajja kukikola.

65 Era nze, olw'ekisa Kye, tugenda kugezaako omwaka guno ogujja, bw'Anaaba akyandeseewo, nga naawe akyakuleseewo, olw'ekisa Kye nsuubira nja kubeera omusumba omulungi okusinga bwe mbadde omwaka guno, era omuweereza wa Kristo asinga ku bwe mbadde. Nja kugezaako nnyo nga bwe nsobola okweyongera okumusemberera, okweyongera okubeera ow'amazima, n'okuleeta Obubaka nga bw'Abumpa, nja kubuleeta gye muli mu ngeri esingayo obulungi gye nsobola,

nneme kulekayo kintu kyonna kye Yandyagadde mbawe. Nja kukola buli kyonna kye mmanyi. Era mmanyi nammwe bwe mutyo bwe muwulira. Mu—muwulira muli nga kaakano fenna twagala tukolere wamu kubanga ebitangaala by'akawungeezi mazima ddala bigenda bizimeera, n'enjuba egenda kugwa mu nnyanga. Ensi egenda ewola, ekyo tukimanyi, bwe twogera mu mwoyo, ekkanisa egenda ewola era okudda obuggya kuweddewo. Tetumanyi kiddako, naye tujja kwesiga Katonda olw'ekyo, kyonna kye kiri. Era kati nga bwe tu . . .

66 Njagala mujjukire nti ekkuŋŋaaniro lino wano lirina omu ku basumba abasingayo obulungi mu nsi, Ow'oluganda Orman Neville, omusajja atya Katonda, omusajja omulungi. Era bwe mba siriiwo, Ow'oluganda Neville y'aba avunaanyizibwa mu bujjuvu, nga bwe nnandibadde nkola singa mbaddewo. Abayima, abadiikoni, n'abalala bonna, balina kusigala mu woofiisi zaabwe nga bwe bakola. Kino ky'ekitebe kyaffe ekikulu. Wano we—we—we tusinziira, wano wennyini. Billy Paul tajja kubeera nange erudda eri, ajja kubeerayo mu lukuŋŋaana lumu lwokka, oluvannyuma akomewo wano. Emirimu na byonna ebikolebwa bikolebwa wano wennyini era nga bwe kibadde. Nze okuba nti ŋŋenda eri, tekitegeeza nti mbalekawo. Wabula ŋŋenda, nga bwe mumanyi, okusinziira ku kwolesebwa. Simanyi kye kutegeeza. Nneesize era nzikiriza nti kijja kuba ku lwa bulungi bwa Kkanisa yonna awamu. Era mmanyi nga kijja kuba kirungi gye tuli fenna singa tugoberera okukulemberwa kwa Mukama. Eyo y'engeri yokka gye tumanyi ey'okukolamu ebintu. Sikyangu gyendi. Nzijukira lumu waliwo ekiseera lwe nnalina okulekawo ekkanisa eno wano. Ekyo abamu ku mmwe ab'edda mukijjukira, engeri gye nnalemwa okukikola! Njagala abantu.

67 Bwe nnali nkyali kalenzi kato ssaafuna kwagalwa, tewali n'omu yanfaako nga nkyali muto, era na, bwe nnakizuula nti waliwo anjagala, nna—nnawulira muli nti, "njagala mmufiirire." Era kati, kubanga waliwo akwagala, waliwo afaayo. Lumu nnali nninnya ekikondo, erinnyo ly'engatto yange ne lisowokayo okuva mu kikondo ky'omuvule, ate nga ekituttwa ky'omuguwa kyali waggulu eri, ne ngikubamu ekyuma ky'engatto, ne nnengejja, ne ngwa wansi okuva mu fuuti nga kkumi na ttaano ne kikwata omukono gwange. Waaliwo omukyala n'aleekaana, nga bwe yeesansabaga *bw'atyo*. Omukyala oyo okuva ku olwo nnamwagala, kubanga yafaayo. Yali muntu eyali afaayo. Era lubeerera nnagambanga mu nze nti, "omuntu yenna afaayo gye ndi, nja kumwagalanga."

68 Ate jjuuzi wano nnali emmanga eri, nnali ndowooza ku biseera eby'edda, n'ebyo Katonda by'ankoledde, era mazima ddala nsiima. Era mbeebaza olw'okwagala kwamwe n'okussa ekimu. Era ssirigezaako kubakulembera mu kkubo kkyamu. Bulijjo lijja kubanga kkubo ettuufu, okusinziira nga bwe mmanyi. Era munjulira, nti sseeyogerangako kintu kyonna,

lubeerera mbaddenga njogera ku Yesu Kristo. Mukiraba? Mukiraba? Nga ngezaako okwekuumira mu Kigambo Kye nga bwe mmanyi, nsobole okubakulembera era mbaluŋŋamye mbatwale mu kifo kino.

69 Kati mbawaayo mu mikono gy'Ow'oluganda Neville, okusooka mbawaayo mu mikono gya Katonda, n'oluvannyuma eri okulabirirwa kw'Ow'oluganda Neville, okusumba ekkanisa n'okulabirira obusika bwonna okutuusa lwe nnaabeera n'olukuŋŋaana luno ne nkomawo gye muli nate. Nga nzikiriza nti ekiseera ekyo we kinaatuukira ndibaleetera okubikkulirwa okw'amaanyi okuva eri Katonda, okulisiikuula buli mutima era kugulumize Ekkanisa ya Katonda.

70 Tutera okulya okussa ekimu. Ssaagala kwogera bingi kusingako awo, mumanyi bwe mpulira. Era ndowooza oluyimba lwe tusaanye okuyimba mu kaseera kano, *Okukkiriza Kwange Kutunuulidde Ggwe, Ggwe Omwana gw'endiga ow'e Kalivaaliyo*. Era nga bwe tuyimirira okuluyimba, leka buli omu akwateko munne mu ngalo, amugambe nti "Katonda akuwe omukisa."

Okukkiriza kwange kutunuulidde Ggwe,

71 Akuwe omukisa, muganda wange. Katonda akuwe omukisa, mwannyinaze. Katonda akuwe omukisa, mwannyinaze.

Omulokozi . . .

Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda.

. . . Katonda.
Kaakano . . .
. . . ? . . .
. . . ddala Wuwo!

Kati leka tuyimuse emikono gyaffe gy'Ali.

Okukkiriza kwange kutunuulidde Ggwe,
Ggwe Omwana gw'endiga ow'e Kalivaaliyo,
Omulokozi Omutukuvu;
Mpulira kaakano nga nsaba,
Ggyawo okulumirizibwa kwange kwonna,
O nnyamba okuva leero
Mbeerere ddala Wuwo!

72 "Okutuusa lwe tulisisinkana!" Leka tuyimbe *Okutuusa Lwe Tuliddamu Okusisinkana*. Kati buli omu twegatteko.

Okutuusa lwe tulisisinkana! okutuusa lwe tulisisinkana!
Okutuusa lwe tulisisinkanira ku bigere bya Yesu;
Okutuusa lwe tulisisinkana!

. . . ? . . .

. . . abeere naawe okutuusa lwe tuliddamu nate okusisinkana!

Okutuusa lwe tulisisinkana! okutuusa lwe tulisisinkana!
Okutuusa lwe tulisisinkanira ku bigere bya Yesu; (Okutuusa lwe tulisisinkana!)
Okutuusa lwe tulisisinkana! okutuusa lwe tulisisinkana!
Katonda abeere naawe okutuusa lwe tuliddamu nate okusisinkana!

Kaakano leka tukoteke emitwe gyaffe.

73 Ow'oluganda Neville, lwaki, totusiibula mu kusaba? Katonda abawe omukisa.

62-1231 Okusindana
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2025 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org